**29th December 2019.**

# OKUBUULIRIRA ERI OBUTUUKIRIVU, TWEWALENGA BULI NGERI YA KIBI. II

**I Abasessaloniika 5:12-22.**

Tweebaza nnyo Mukama atutuusizza ku lunaku lwa leero, ng'ebula ennaku bbiri omwaka 2019 guggweeko. Oba gubadde gutya gye tuli, - nze naawe buli omu alina ekikye eky'oggamba, wabula eri ffena nkiwa nti Mukama abadde mulungi nnyo gyetuli, era ow'ekisa, okwagala n'amaanyi ebingi ku lwaffe okubeezebwaawo, n'olw'ekyo tumusiima nnyo nnyini…….. weewaawo?
Tweyongera amakya ga leero mu misomo gyaffe ku mulamwa omukulu Gw'okubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo'(Living in light of Eternity), mwe twaagala okusinziira okumalako omwaka mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu, n'okutandika omupya mu ngeri y'emu.
Ng'omulundi ogwaggwa twaalaba ekitundu ekisooka mu mulamwa gwaffe guno gw'okubuulirira eri obutuukirivu, twewalenga buli ngeri ya kibi, okuva mu nnyiriri 12-22, we twaakoma okweetegereza ku lunyiriri olw'e15. Mwe twaalaba Omutume Paulo yegayirira era n'akuutira eri obuweereza bwe tuweerezegana ng'ab'oluganda(famire), y'abo abakkiririza mu Mukama waffe Yesu Kristo, atwaagaza obumu, nga bw'alina ne Kitaffe,
Mwe twaakubirizibwa okumanya abakulembeze baffe, olw'obuvunaanyizibwa bwaabwe gye tuli, tubasiimenga mu kitiibwa n'okwagala baddizibwengamu amaanyi eri obuweereza bwaabwe gye tuli. Ne tukuutirwa okubuuliriranga abagayaavu, okugumyanga abo abalimu okutya, n'awamu n'okuyambanga abatalina maanyi, nga tuli bagumiikiriza eri abantu bonna. Era twaakomekkereza n'okubuulirira nti tulabenga nga mu ffe temuli muntu asasula ekibi olw'ekibi, naye bulijjo tukolenga obulungi buli muntu ne munne, era n'eri abantu bonna.
Mu kitundu kyaffe kino eky'okubiri, tubuulirirwa eri obutuukirivu, twewalenga buli ngeri ya kibi okuva ku lunnyiriri 16 – 22 nti ……

Mwe tulabira okubuulirirwa mu biragiro ebimpi era ebyangu okutegeera kyokka nga bikulu nnyo, era z'enkola z'okusinza mu kweyongera okwewaayo eri Mukama Katonda waffe, ezikwaatagana ng'olujegere olutunyweeza mu butuukirivu Mukama bwe yatuyitira bwe yatulonda okuwona okuzikirira nga bwe twaalaba.

**Lnny. 16**….. Ng'Abakristaayo, kitukakatibwaako okubanga abasanyufu bwe tuba ab'okuba kye tuli tuleme kuba kye tutali nga bwe twaalaba kitugwaanidde mu miramwa gye twaalabako. Paulo awalala agamba mu Bafiripi 4:4, "Musanyukirenga mu Mukama waffe bulijjo. Nziramu okubagamba nti Musanyukenga." Ekituleetera okwaawula essanyu lya Mukama ery'Omwoyo Omutukuvu, n'okukyamuka mu ssanyu (The joy of the Lord vs happiness). Kubanga ekisooka kisibuka mu Katonda, ate eky'okubiri kisibuka mu mbeera. Ensibuko y'ekisooka tekyuukakyuuka kyokka ensibuko y'eky'okubiri ekyuuka ng'obudde mu Uganda. Era bwe tubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo, tuba basanyufu mu Mukama, kubanga nga Nekkemiya bwe yagamba Abayisirayiri mu 8:10 ".....temunakuwala, kubanga essanyu eriva eri Mukama ge maanyi gammwe." N'olw'ekyo tweegatta ku Batume nga Paulo bwe yayogera mu II Abakk.6:10 ".... nga tunakuwala naye ate nga tusanyuka bulijjo, nga tuli ng'abaavu naye nga tugaggawaza bangi, nga tuli ng'abatalina kintu naye ate nga tulina byonna." Kubanga Mukama waffe tatuleka era tatulekerera….

**Lnny. 17….** Weetegereze, nti engeri y'okuba omusanyufu mu Mukama buli kiseera kwe kusabanga obutayosa. Tulina okweyongeranga mu kusaba obutakoowa, nga bwe twaasomesebwa mu Bakkol. 4:2 okunyiikiririranga mu kusaba, nga tetuddirira, wabula nga twebazanga. Ebikwaasaganyizibwa ne Bafiripi 4:6 nti "Temweraliikiriranga kintu na kimu, wabula mu buli kintu mu kusabanga ne mu kwegayiriranga awamu n'okwebazanga, mutegeezenga Katonda bye mwetaaga." Nkiwa tulaba bwe birukaŋŋana **n'olunnyiriri 18…….** Laba Bakkol. 4:2 ne Bafiripi 4:6…… Awalala mu Baefeso 5:20 ng'abagambye mu lnny 19 nti "Bwe mukuŋŋananga muzimbaganenga mu Zabbuli ne mu nnyimba, ne mu nnyimba ez'Omwoyo nga muyimbira Mukama era nga mumuyimusiza amaloboozi mu mutima gyammwe. Agamba mu lnny. 20 nti "Bulijjo mwebazenga Katonda Kitaffe olwa byonna, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo."

Ate nga fuluweero (ng'eyeggaali) bino byonna kwe byeetooloolera lwe **lnny. 19…** Era nga bwe tulaba agamba waggulu ko katono we twaakasoma mu Baefeso 5:18 "Ate temutamiiranga, kubanga mujja kweyonoona, wabula Omwoyo ajjulenga mu bulamu bwammwe." Endowooza 'y'obutazikiza' etuwa okutwaala Omwoyo ng'omuliro, ate nga ddala kyaali – gwe muliro gwa Mukama.

Ono ye Mwooyo w'ekisa atubeera mu bunafu bwaffe, nga tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, ye Omwoyo yennyini n'atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. (Bar. 8:28). Era ng'Abakristaayo tubatizibwa Yesu n'omuliro gw'Omwoyo, ottuwa okubikkulirwa, obulamu, n'okutuukirizibwa mu bwakabaka bwa Katonda. Era ng'omuliro bwe guzikizibwa olw'obutaguseesaamu nku, naffe nga ba kabona ba Mukama bwe tutabeera ku byooto, tuzikiza Omwooyo, ate nga bwe twaasomesebwa okuva mu Baleevi 6:12,13 kyaddiŋŋanwanga nti "Omuliro gunaasigalanga nga gwaka ebbanga lyonna, teguuzikirenga. Buli nkya kabona anaayongerangako enku ku kyoto; era anaatereezangako ekiweebwayo ekyokebwa ng'akitegese bulungi; era anaayokerangako amasavu ag'ebiweebwayo olw'emirembe. Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga."

Ekirala ekizikiza omuliro kwe gguyiwako ettaka, mu kifaanani ky'ebikolwa eby'ekko – ebikyaafu nga bwe tubuulirirwa mu Baefeso 4:25-32…….

Okunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, kuba kumuzikiza mu bulamu bwaffe.

Era mu **nny. 20 ne 21** mwe tugambwa **…..** Nti bwe tunyooma engeri z'ekisa tetusobola gganyulwa mu Mwooyo w'ekisa. Okuweebwa kw'ekigambo kya Mukama, mu biro ebyo ekyateranga okujja mu bunnabbi, nga bwe tugambwa nti bannabi n'abatume be baatandika ekkanisa, kaakano ekituggira mu kusomesebwa kw'ebyawandiikibwa, kwe kuleetera okumanya n'okutegeera okwagala kwa Mukama gye tuli eri obutuukirivu bwonna nga bwe tubuulirwa mu II Tim. 3:16,17, era enjiri ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, n'olw'ekyo tetulina kkinyooma wabula okukyekkenneenyanga ng'Ababeroya mu Bikk. 17:11. Tulina okugezesa emyooyo nga bwe tubuulirirwa mu I Yok. 4:1-6……

Era bwe tunaakola bwe tutyo ne tunyweeza ebirungi bye tufuna mu kigambo kya Mukama, **Lnny 22….** Tujja kwewalanga buli ngeri ya kibi mu bwangu (easily).

Bwe tukolanga ebyo waggulu tetuba na kwegomba kukyaamu, tetuwa bbanga kusinza 'bakatonda' balala, tetunyumirwa bikolwa bya butali butuukirivu, era bwe tukemebwa ebyawandiikibwa bituwanguza nga bwe gwaali eri Yesu Kristo Mukama waffe, era tuba bamalirivu obuteeyonoonesa nga bwe gwaali eri Danyeri, olwo ne twewalanga ddala buli ngeri ya kibi. Kw'ekubaawo mu ssuubi ly'obulamu obutaggwaawo nga tuli bawanguzi …..( I Yok. 4:4……..